

335/1
Luganda
2 hours
July/Aug 2019

BUGANDA EXAMINATION COUNCIL MOCKS

Uganda Certificate of Education

LUGANDA

PAPER 1

**(OKUWANDIKA EMBOOZI, OKUKYUSA, OKUFUNZA,
EBISOKO N' EGGULAAMA)**

OLUPAPULA OLUSOOKA

Essaawa bbiri (2 HRS)

EBIGOBERERWA:

- *Olupapula luno lulimu ebitundu bibiri: A ne B.*
- *Ekitundu A kola 1(a) oba 1(b).*
- *Ekitundu B kola 2(a) oba 2(b).*
- *Nnamba ssatu yonna ya buwaze.*

EKITUNDU A

Kola 1(a) oba1(b)

1. (a) Londa omutwe gumu ku gikuweereddwa oguwandiikeko emboozzi etekka wansi
Wa bigambo 400. **(Buli emu obubonero 50)**
- (i) Wandiika emboozzi ng'erimu ebiambo bino:
 - (ii) "Singa nnamanya ssandimuganzizza!"
 - (iii) Atamuzadde amutikka jjinja.
 - (iv) Empisa z'abaana zisiwuuse nnyo mu Buganda eya leero!
 - (iv) Okukulaakulanya ebyalo kye kiyinza okukendeeza ku mujuzo gw'abantu
oguli mu bibuga. Wagira endowooza eno.
- (b) Ku mitwe gino londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozzi nga
bw'olagiddwa. **(Buli mutwe gwa bubonero 25)**
- (i) Weefuule omubaka akiikirira ekitundu kyammwe mu lukiiko lw'eggwanga
owandiikire Minisita wa gavumenti ez'ebitundu ebbaluwa ng'omutegeeza
ensonga ezisinze okuzza ekitundu kyammwe emabega era ofundikire
ng'omusaba abalowoozeeko. (Kozesa ebiambo 150)
 - (ii) Mukwano gwo atandise okutuntuza n'okubonyaabonya abaana b'omusajja
gwe yafumbirwa n'amusanga nabo. Gendayo omutuuze omubuulirire era
omusabe akikomye mangu. (Kozesa ebiambo 200)
 - (iii) Ekitongole ky'ebjenjigiriza kyakussaamu obwesige okiyambe
okunoonyereza ku bizibu ebiri mu masomero gaabonnabasome. Wandiika
alipoota eraga ebyava mu kunoonyerezakwo. (Kozesa ebiambo 200)
 - (iv) Mukwano gwo ali e Bulaaya yakusaba okumunyonyola ku migaso
gy'olubugo mu Buganda. Muwandiikire ebbaluwa ng'omunyonyola kye
yakusaba. (Kozesa ebiambo 150)

EKITUNDU B

Kola ekibuuzo 2(a) oba 2(b)

(Buli kibuuzo kyabubonero 20)

2. (a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100. **(Obubonero 20)**
- Abantu bangi mu nsi muno ebiambo OKUTEGEERA N'OKUMANYA
tebabyawula bulungi. Oyinza okusanga Ssempala ng'amanyi mu kibuga oba awantu
awalala, anti bayinza okubanga baamulagayo naye nga tategeera bifa mu kitundu
ekyo. Okumanya omuntu yenna tekitegeeza kumutegeeza bimukwatako gamba enneeyisa,
by'ayagala, byatayagala, obuzaale bwe n'embeera ze ezaabulijjo. Wano nno abavubuka
we batomerera ne bagwa ku bawala oba abalenzi olw'amaaso gaabwe okubalimba
ebirabika naye ogenda okuwenjula munda ng'ogwawo!

Mu nsangi zino, abantu bangi bafa gakola kintu olw'okuba gundi akikoze, okugeza okusuubula, okugangayira, ebbinu n'ebirala ntoko. Leero w'oleetera bagannemerdedde abaagala okukyusa engoye, batuuka n'okwambala emivumba egyambazibwa embwa n'amazike g'Abazungu olw'okuba baagala bakire bannaabwe be bali nabo. Kale abo bamanyi naye tebategeera bye bambala.

Bwe tudda mu by'okulonda abakulembeze weewunya abalonzi anti enfaanana y'abasinga yeeyolekera ku oyo alondeddwa. Oli ne bw'omugamba nti omukyala gundi oba omwami gundi teyaliriza misomo yakoma mu kkubo, akweddiramu kimu nti "Nze nnamulabanga ng'ayambadde yunifoomu ng'akutte n'ebitabo era mumanyi nti yeekaliriza embaawo." So bambi tategeera gw'alonda, oluusi n'obusobozi mu kuteesa n'okukulaakulanya ekitundu taba nabwo.

Mbadde neerabidde Bannaddiini ab'ekibogwe. Abo obunyiriri banokolayo bunokole, olwo ne beesiba ku obwo ne balaga nga bwe bamanyi ssaako n'okutegeera ekitabo kya Katonda. Olwo endiga eziwuliriza ne zimutongoza nga bw'amanyi ebyawandiikibwa byonna. Abalala basinga kunogaanya nnyiriri ezirimu "eky'ekkumi" n'okutona. Olumu naswala nensongola omusaja omu bwe yasoma ekyawandiikibwa mu ngeri y'ekifuuula nnenge nti "WakisaYesu." Oyo omuteeka mu ttuluba ki?

Olabo n'abazadde nabo ba katonda boku nsi tebategeera baana be batonda. Bano bakyogera lunye nti "Nze omwana gundi yannema okutegeera!" Kati olwo ani anaamutegeera ggwe w'otamutegeeredde. Bwe batyo bamanyi abaana baabwe naye tebabategeera.

Naawe kkiriza nti ebintu ebisinga obikola ng'olowooza obimanyi kyokka nga tobitegeera era oluusi totegeera na nsonga lwaki obikola. N'osoherwa.

OBA

2.(b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.

(Obubonero 20)

Today many people are living longer. Cleaner living conditions, vaccinations and better nutrition help prevent many diseases and modern medicines cure others. But longer life has also brought difficulties. First, older people tend to have more health problems than younger people. Although most of these problems are not caused by age itself, the changes age makes in a person's body can make the problems more serious or difficult to treat.

Second, as the world changes and younger people move away from their villages to go and look for money, many older people are left to care for themselves. If they do live with their children, older people may feel like a burden in a family which no longer respects age and sees no value in it.

Older women are more likely to face these problems than older men, because women usually live longer and often reach old age without a partner. One of the main signs of growing older is that a woman's monthly bleeding ends. It may end suddenly or it may stop gradually. For most women this change happens between the age of 45 and 55.

How a woman feels about the end of her monthly bleeding sometimes depends on how she is affected by the changes in her body. It also depends on how her community thinks and treats older women.

(Extracted from: Where Women Have No Doctor by August Burn and others)

Kola ebibuuzo 3(a) ne 3(b)

3. (a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddwa. **(Obubonero 20)**
- (i) Webajjira kuno nga baavu.....naye kati be bagagga ba kuno.
 - (ii) Kabbira bamugombye mu.....era kati ali mu kkomera.
 - (iii) Musajja wattu yanoonya emirimu katono.....bumuggwe ne ku ntumbwe.
 - (iv) Bino ebibuuzo kubadde.....mu jjenje kkalu era nsuubira tujja kuyita.
 - (v) Oyo omuwala agidde afune olubuto ng'akyasoma
ye yokeredde.....kubula ky'atuuza.
 - (vi) Simanyi nti ndiraba ku mukazi eyaliisa omwana wattu
ono.....kuba yamubonyaabonya nnyo, asana
kulabako!
 - (vii) Gwe baatuma yadduka za.....era mu kaseera
katono yali akomyewo.
 - (viii) Ennaku zino Kityo ne Lukka bali kabwa na.....era tebabuuzaganya.
 - (ix) Oyo ye yalya mu banne.....bwe yabeefuulira n'abawaabira
nti be baatunda ekibanja ky'omukadde.
 - (x) Twagenda okutuuka eka ng'omukulu anyiize nnyo era nga tasalikako
.....era ebyaddirira siribyerabira!
3. (b) (i) Ddamu owandiike sentensi zino ng'okozesa omuntu asooka mu bumu
(Nze) **(Obubonero 3)**
- Tusoma Oluganda bulijjo.
 - Si ffe tumukubye!
 - Basomera Kyamuliibwa UMEA.
- (ii) Wandiika amannya ga mirundi ena (4) nga gagwa mu lubu 3Mu.

- BIKOMYE -